**27th May 2018**

# YESU KRISTO ASINGA BAMALAYIKA.

**Abaebbulaniya 2.**

Essuula eno eri kitundutundu ku ssuula esooka mu kitundu ekiraga Yesu Kristo bwali omusukkulumu ku bamalayika.

Ebikulu bye tugenda okulaba mu ssuula eno bye;

**a) Okulabula abakkiriza okussaayo omwoyo kw'ebyo ebibuulirwa.**
**b) Ensi empya Katonda yagiteeka wansi w'obufuzi bwa Kristo.**
**c) Lwaki Yesu yayambala omubiri gw'abantu era n'abonaabona**
**d) Yesu Kabona Omukulu**

**vs 1-4 a) Okulabula abakkiriza okussaayo omwoyo kw'ebyo ebibuulirwa.**

Omuwandiisi yeegayirira Abaebbulaniya okwekkaliriza ebigambo bye baawulira. Ensonga eri emabega wa kino nti baleme kuseeyeeya nga babiyitako ng'ebitagasa nga baddayo mu njigiriza y'Ekiyudaaya (Judaism). Tumanye nti ebbaluwa eno yawandiikibwa okumalawo obuzibu obwaliwo nti Abayudaaya abakkiriza Yesu Kristo baali beebuuza oba baali basobola okusigala nga bakyagoberera enkola y'eddiini y'Ekiyudaaya.

Wano naffe abakkiriza Yesu Kristo wetufunira okulabulwa eri ebigambo ebitubuulirwa okuva mu njiri ya Mukama waffe Yesu.

Abasinga ku ffe tulina bye twaalimu nga tetunnalokoka (Obusamize, amadiini, n'embeera z'obulamu endala) era nga tulina okweewala okutwalirizibwa ebintu bino kati nga twalokoka.

vs2,3 Bamalayika baayogera ebigambo by'amateeka era buli eyabijeemera yaweebwa ekibonerezo era nga n'abamu kubo baasaanyizibwawo.

Okulabula kutujjira ffe ab'omulembe guno kubanga tulina ekisinga ku bya bamalayika; Enjiri ey'obulokozi eyatandikibwa Yesu Kristo ate n'ebuulirwa abatume ng'ewerekerwa obubonero, eby'ekitalo wamu n'ebyamagero.

Enjiri Yesu yagyogera, yakola obubonero era n'agissaako envumbo bwe yafa ate n'azuukizibwa elyoke ekakasibwe.

Abakozi b'ebibi eby'engeri ez'enjawulo bagayaalirira enjiri ya Kristo era ne bagitwala nga eky'okusekererwa; ate eky'ennaku nti ne mu Kkanisa munda eriyo abatwala enjiri ng'ekyokusaaga kubanga bagiwulidde emirundi mingi ne bagyimanyira era nga bangi ku bo bakyatwalibwa ensi n'okwegomba kwayo.

**Matayo 12:41-42 "Abantu ab'e Nineeve baliyimirira mu musango wamu n'abantu ab'emirembe gino, era balibasinza omusango: kubanga Yona bwe yabuuliira ne beenenya; era laba, asinga Yona ali wano. Kabaka omukazi ow'omu bukiika obwa ddyo aliyimirila mu musango wamu n'abantu ab'emirembe gino, era alibasaliza omusango; kubanga yava ku nkomerero y'ensi okuwulira amagezi ga Sulemaani; era laba, asinga Sulemaani ali wano."**

Bwe baba nga abaawulira Yona ataabuulira luuyi lwa njiri lulala wabula okusaanawo baalowooza nti bwe beenenya Katonda asobola okubasonyiwa naye ate ffe abamanyi nti waliwo eyatufiirira?

**vs 5-8 b) Ensi empya Katonda yagiteeka wansi w'obufuzi bwa Kristo.**

Newaakubadde bamalayika b'amaanyi naye Katonda tabawadde kufuga nsi empya.

**Zzabbuli 8:4-6 "Omuntu kye kiki, ggwe okumujjukira, Oba omwana w'omuntu, ggwe okumujjukira; Kubanga wamukola okubulako akatono okuba Katonda, Era omussaako engule ey'ekitiibwa n'ettendo. Wamufuza emirimu egy'emikono gyo; wateeka ebintu byonna wansi we bigere bye."**

Nga bwe tulaba n'ekulubereberye nti Katonda bwe yatonda ensi n'ebigirimu byonna yawa omuntu obuyinza okufuga, bw'atyo bwe yateeka obufuzi bw'ensi empya wansi wa Kristo.

Naye leero nga bwe tulaba mu nnyiriri zino tebiri wansi wa muntu olw'ekibi. Ebintu byonna ebyatondebwa byali bya kufugibwa muntu naye leero ebyali birina okufugibwa byebifuga!

Kino ky'ajja lwakuba omuntu yava mu kifo kye yaweebwa ku lubereberye bwe yakemebwa n'aggulawo olujji eri ekibi.

Ekifo ekyo kituddizibwa okuyita mu Kristo Yesu. Yesu yeenyigira mu buntu okuzzaawo obuntu mu kifo kiri omuntu we yaseeseetulwa olw'ekibi.

Ekibuuzo ekigamba nti; "omuntu y'ani?; Kibuuzibwa nti omuntu mu mbeera gyalimu kati asobola atya okuba n'ekifo ekifaanana kityo?

Amazima gali nti ekifo Katonda kyatuwa mu bwakabaka bwe tewali akisaanira kubanga mu Adamu twakiwaanyisa naye; ekifo kino kituddizibwa lwa kukkiriza Yesu Kristo.

**2 Peetero 3:13 "Naye nga bwe yasuubiza tusuubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula."**

Yesu Kristo agenda kufuga ensi empya n'eggulu eppya era na buli kiramu.

**vs9-16 c) Lwaki Yesu yayambala omubiri gw'abantu era n'abonaabona?**

Omuwandiisi atujjukiza **Zabbuli 22:22 "Naabuuliranga erinnya lyo eri baganda bange: Wakati mu kibiina naakutendereza."**

Yesu Kristo bwe yayambala omubiri n'afaanana omuntu ali wansi wa bamalayika naye n'abeera wansi wa bamalayika okumala akaseera (we yabeerera mu mubiri).

- **Ng'akola kino, Yesu yayimusa embeera y'obuntu okuyita mu mubiri gwe ogwawangula okuwanguza abo bonna abamukkiriza.**
- **Yesu yabonaabona, n'afa n'atuukirizibwa mu kitiiibwa era n'abeera omukulembeze atuukirize mu kitiibwa abo bonna abanajja eri Taata okuyita mu Ye. Yesu bwe yeetukuza yatukuza bangi. Yokaana 17:19**
- **Mu kubonaabona kwa Kristo mwe twafuira ekisa, era muno Kristo mweyasukkulumizibwa n'ayambala engule ey'ettendo n'ekitiibwa n'afuulibwa ali waggulu wa bamalayika era n'ensi empya kyeva ebeera wansi we.**
- **Yayambala omubiri ng'abo abalina omubiri n'azikiriza Setaani alina amaanyi g'okufa. N'olwekyo Kristo yafa atuukirize okununulibwa kwaffe.**

Newakubadde alina amaanyi g'okufa yawangulwa wakyaliwo okufa: Olw'ekibi, abantu balina okufa (**Abaruumi 5:12,17 "Naye okufa kwafuga okuva ku Adamu okutuusa ku Musa, era ne ku abo abataasobya ng'engeri**

**ey'okwonoona kwa Adamu, ye ky'ekifaananyi ky'oyo agenda okujja. … Kuba obanga olw'okwonoona kw'omu okufa kwafuga ku bw'omu, okusinga ennyo abo abaweebwa ekisa ekisukkirivu n'ekirabo eky'obutuukirivu balifugira mu bulamu ku bw'oyo omu Yesu Kristo")**. Era buli lwe wabaawo okufa tujjukira nti ensi eri wansi waakibi.

Naye mu kufa kwa Yesus Kristo ffe abamukkiriza tutunuulira okufa mu maaso netumwenya kubanga tumanyi nti twakuwangula ku musaalaba gwa Kristo.

**Abakkolinso 15:25-26 "Kubanga ki mugwanira okufuga okutuusa lwalissa abalabe be bonna wansi w'ebigere bye. Omulabe ow'enkomerero aliggyibwawo, kwe kufa."**

**Okubikkulirwa 21:4 "naye alisangula buli zziga mu maaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate; so tewaabengawo nate nnaku newaakubadde okukaaba newaakubadde okulumwa."**

- **Okufa kwagyibwako ebissi ku musaalaba gwa Kristo era buli atya okufa addemu amaanyi mu Kristo Yesu.**

**vs 17-18 e) Yesu Kabona Omukulu**

Yesu Kristo yafaanaanyirizibwa abantu abeere oyo awaayo ssaddaaka esinga obukulu.

- Mu kufaanana ng'abantu asaasira kubanga amanyi kyekiri okubeera omuntu.

- Mwesigwa nti ne mu kufa yeewaayo.

- Era okuyita mu ye abakemebwa balina gye baddukira okubeerwa.

**Abaebbulaniya 4:14-16 "Kale bwe tulina Kabona asinga obukulu omunene, ayita mu ggulu, Yesu Omwana wa Katonda, tunywezenga okwatula kwaffe. Kubanga tetulina kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe; naye eyakemebwa mu byonna bumu nga ffe, so nga talina kibi. Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga."**

Yesu muganda waffe mu kikula olw'ebyo bye yayitamu era muganda waffe mu kwagala nti bwe yatwagala yawaayo obulamu bwe ku lwaffe.

Naffe kye kiva kitukakatako okutwala buli mukkiriza nga muganda waffe.

Mu buli bye tuyitamu tetuggwaamu maanyi era tetusuula kukkiriza kwaffe kubanga tulina omuwanguzi mu ffe.

Era twagale nga bwe yayagala.

Ebyo tebyakolebwa malayika era tebyakolebwa kugasa bamalayika naye byakolebwa Yesu Kristo ku lwaffe tusobole okulokolebwa.